
# Bannamukisa abalala 11 bawangudde ebirabo mu kalulu ka Gabula Ssekukkulu

Bya KIZITO MUSOKE

ABASOMI b'olupapula lwa *Bukedde* bannamukisa abalala 11 beewangulidde ebyassava bya Ssekukkulu mu kalulu ka 'Gabula Ssekukkulu mu Vvayibu' akaakwatiddwa ku Bukedde TV ku Lwokutaano.

Muhamud Mbaziira ow'e Nsangi yawangudde; ttivvi, decorder, ekisowaani n'amasannyalaze g'enjuba ebya StarTimes.

Ate abawanguzi abalala 10, baakuwangula ettu lya Ssekukkulu eriwagirwa kkampuni y'enkoko eya Ugachick nga ku bano kwabaddeko: Christine Nagawa ow'e Muyenga-Bukasa, Annet Nannyonga ow'e Bombo 21, Yusufu Sajjabbi ow'e Lugazi, Coleb Kateramatsinde Itungo ow'e Masajja-Kibira B, Denis Mayanja ow'e Kitemu, Hajji Aboud Kasujja ow'e Kisugu, Ronald Kasiima w'e Buwama, Samuel Kalule ow'e Masooli-




Aldrine Nsubuga Sr amyuka akulira kkampuni ya StarTimes mu Uganda (ku ddyo) ate ku kkono ye Simo Omunene w'ekibuga.

ow'e Mukono Bakery ne Antrous

dde, Michael Mukasa Ssekk...

kulimu abirabo ebirala bingi omuli n'ekyapa ky'ettaka okuva mu kkampuni ya B- Clara H erina ettaka okwetooloola Kampala n'okutuukira ddala e Masaka.

Okwetaba mu kalulu olina okugula olupapula lwa *Bukedde* n'osalamu akakonge ku muko ogwokubiri n'ojjuzaamu erinnya, gy'obeera n'ennamba y'essimu.

Akulira ebyokutunda amawulire agafulumizibwa *Vision Group* omuli ne *Bukedde*, Bruce Byaruhanga yagambye nti omuntu bw'amala okugula amawulire asalemu akakonge akajjuze n'oluvannyuma akawe abatunda amawulire oba okukatwala mu kifo kyonna kye batundamu amawulire oba okujja ku kitebe kya Vision Group ku banaaba basobodde.

Akalulu kakwatibwa mu lwatu buli wiiki era nga mujja kubeeramu obwerufu obw'ekika ekya waggulu